Aga wano na wali

Beemulugunya ku butabanguko mu maka okweyongera

Makerere EBIBIINA ebikola ku butabanguko mu maka ebya Gender Based Violence (GVB) bigambye nti, 'okutulugunya abakazi n'abaana kweyongedde okuva ku misango 2,793 ne gituuka ku 3,426 mu 2013. Polofeesa Grace Bantebya okuva mu yunivasite y'e Makerere mu kitongole ky'ekikula ky'abantu n'emisomo gy'abakyala agambye nti abazadde abaana abawala babalaba ng'ekyenfuna ekivaako okubafumbiza nga bato. Dr. Olive Sentumbwe Mugisha okuva mu kitongole ky'ebyobulamu ekyensi yonna (WHO) era ng'akola ng'omuwi w'amagezi ku ludda lw'abafumbo agamba nti ensonga ezivaako abakyala okutulugunyizibwa kuliko obuyombi, obutalabirira baana, okugaana okwegatta mu kaboozi k'omukwano, okunywa omwenge n'ebirala. Kino kiwalirizza ebibiina ebyegattira mu 'Gender based Violence' okutuula basale amagezi okulaba nti ebikolobero bino biggwawo. Tinar Musuya dayirekita w'ekibiina ekikola ku butabanguko mu maka ekya; 'Centre For Domestic Violence (CEDOVIP)' agamba nti gavumenti esaasaanya obuwumbi 77 buli mwaka okujjanjaba, okulondoola n'okukola ku nsonga z'abantu abatulugunyiziddwa.

Brenda Kugonza (ku kkono) ne Richard Makumbi aba Centre for Domestic Violence (CEDOVIP) nga bannyonnyola ku butabanguko mu maka.

Matete

Ayokezza bba ebijanjaalo

OMUSAJJA bamwokezza ebijanjaalo bw'alumbye mukazi we bwe baayawukana mu kazigo ke n'amukubirayo. Evelyn Nakku ye yayiiridde bba Joseph Wasswa, 46, ebijanjaalo n'amukubirayo ate n'assaako okumwokya ebijanjalo bye yasanze ku ssigiri. Bino byabadde ku kyalo Kyabakagga mu muluka gw'e Mitete mu ggombolola y'e Mateete mu disitulikiti y'e Sembabule wiiki ewedde. Nakku yategeezezza nti bba amulinamu abaana 5 era nga bamaze emyezi mukaaga nga baawukanye nga n'okwawukana baava ku ttamiiro, Joseph lye yali asussizza awaka nga kw'otadde n'okubatulugunya ng'abasuza ebweru n'abaana.